جمعية سبيلي

Jeddah Midwest Dawah Association

جمعية وسط وغرب جدة الأهلية

للدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات

# OBUSIILAAMU KYEKKI?


Abdul Hakim Makayi

Abdul Hakim Ssenyonga




ما هو الإسلام؟

اللغة الأوغندية

# OBUSIILAAMU KYEKKI?

BISMILLAHI ARRAHMAANI ARRAHIIM

NSOOKA OKWOOGERA KU LINYA LYA KATONDA OMUSAASIZI OWEEKISA EKINJI.

Amatendo amalunji gonna ga katonda , oyo eya tonda omuntu nga amujja mu ttaka(ADAM), N'atonda nga ajja mulubiriizi lwa Adam mukyaala we (Hawa), awo ate n'atonda okuva mu Adam ne Hawa abasajja banji nyo, n'abakyaala( abantu abali munsi muno bonna bazzukulu ba Adam ne Hawa).

Nkakasa mumutima gwange , era nenjatula n'olulimi lwange nti teri katonda mulala asaanira kusinzibwa okujjako ALLAH,( Tagattibwaako kintu kirala kyonna mu bwaakatonda bwe), Era nkakasa mumutima gwange , nenjatula n'olulimi nti omubaka muhammadi muddu wa katonda era mubakawe(okusaasira nemirembe bimubeereko). Omubaka wa katonda tabeera katonda , wabula abeera muddu wa katonda nga abantu abasigadde ekyenjawulo kyaaba alina nti ye Katonda aba yamusukkulumya kubantu abasigadde n'amufuula mubakawe, nga malayika emuleetera obubaka okuva ewa katonda nga amulagira byaaba akola , oba nga katonda amugaana by'aba takola.

Katonda yalagira abantu bonna okubeera nga bamutya(amakulu nga bakola katonda byaalagira , era nga baleka byaabagaana) kubanga ye yatutonda waddembe okutulagira , era waddembe okutugaana ekintu kyonna, nga bwaatugamba mukitabo ekitukuvu Quran e suula 4 , olunyiriri 1: atukoowoola nga agamba nti :"Abange mwe abantu mutye omulezi wamwe oyo eya batonda nga abajja mumwooyo ogumu(ADAM) era n'atonda nga ajja mumwooyo ogumu mukyaala we (Hawa) era n'atonda nga ajja mu Adam ne Hawa abasajja banji nabakyaala(be bantu abali munsi yonna okuva ebuvanjuba okkoma ebugwanjuba) bonna bonna bava mu Adam ne Hawa. ........[1]

Oluvanyuma lw'ebyo waggulu , twaagala okutwaala omukisa guno okunyonyola ko kubantu mubufunze ebikwaata ku busilaamu, oba kunzikiriza ye kiyisiraamu, eri oyo eyandiyagadde okumanyaako kubusilaamu , oba kukukkiriza obusilaamu.

## OKUKKIRIZA OBUSILAAMU.

(A) Okukkiriza kitegeezaaki?

(B) Obusilaamu kitegeezaaki?

---

1- Ebisinga ko awo bisange mu Quran enzivuunule mu luganda mu sulat nisa, aya esooka

(A) Ekigambo" okukkiriza" kitegeeza okukakasa munda mumutima, kati nga munsomesa yeddiini y'obusilaamu ; ekigambo kukkiriza, oba omukkiriza, kiba bakinyonyola nga kitegeeza:

Okukakasa mumutima gwo, n'oyatula n'olulimi, n'okola n'ebiyungo byo emirimu ekikakasa kyokkiririzaamu mumutima gwo. ( amakulu g'ekigambo kukkiriza gali mubintu bisatu 1,okkakasa mumutima, 2, noyatula n'olulimi ekyo ky'okakasa munda mumutim gwo,3, n'okola n'ebinyungo byo emirimu emirunji ).

Omubaka w'akatonda yagamba nti :" obukkiriza ; kwe kukkiriza katonda, ne zimalayika ze, n'ebitabo bye( ebitabo katonda bye yawa ababaka be ; zabuli,tawulet, enjiri,Quran), n'okukkiriza nti katonda alina ababaka beyatuma babuulire abantu katonda by'ayagala n'ebyaatayagala(ekyokulabirako ; omubaka wakatonda e yasookeraddala Noohu,Ibrahim,Ismael,Ishaaq,Ya qoob,Isa(jesus),Ayub,Yunus,Haroona,Dauda,Sulaiman ,Yusuf,Musa,n'eyasembayo Muhammadi (okusaasira nemirembe bibabeereko bonna).

N'okukkiriza nti waliyo olunaku lwenkomerero,(olunaku olwokuzuukira abantu bonna bonna, ewatali kusigalayo wadde n'omuntu , nga tuzuukira nga bwetwaazaalibwa, nga tetuli mungatto , wadde engoye, nga tugenda okubalibwa emirimu jaffe jetwaakolanga kuno kunsi, nga katonda ajiteeka ku minzaani, emirimu emirunji bwejisinga obunji nga omuntu agenda mujjana, enyumba ey'emirembe oba nga agenda mumuliro ).

N'okukkiriza nti katonda y'agera buli kintu oba kirunji oba kibi( tewali kibeerawo munsi oba muggulu okujjako nga katonda akimanyi ,buli kintu katonda yakigeradda.

## MUBUFUNZE OKUKKIRIZA KUZIMBIDDWA KUMPAJI MUKAAGA(6).

1,Okukkiririza mu katonda omu(1). Kitegeeza tosobola kubeera mukkiriza ate nga ogatta katonda n'ebintu ebirala.

2,Okukkiriza nti katonda yatonda zimalayika ,era zino mweemuli malayika ereeta obubaka ku babaka bakatonda okuva muggulu (bajiyita jibuliilu oba gabudyeeri).

3,Okukkiriza nti katonda yawa ababaka be ebitabo ebitukuvu.(zabuli,tawulet, injiiri, Quran) ebitabo ebyo bibeeramu amateeka ga katonda.

4,Okukkiriza nti katonda yatuma ababaka bajje babuulire abantu katonda by'ayagala,( kubanga katonda bwaaba abonereza abantu abajeemu amala kubatumira mubaka nababuulira ayagala nakkiriza , atayaga-

la naagaana, kati awo katonda bwassa ebibonerezo, waba tewali muntu ayinza kweekwaasa nti kale singa katonda yasooka kutulabula netutegeera by'ayagala netubikola, oba netutegeera by'atugaana netubireka, tewajjakubaawo muntu yekwaasa kulunaku lwenkomerero mbu teyafuna amubuulira katonda by'ayagala)

5,Okukkiriza nti waliyo olunaku lwenkomerero, olunaku olwookusisinkana katonda waffe eya tutonda, olunaku lwaamazima , era buli muntu ajjakuzuukira ,bamubuuze biki byeyakola ,ababaka by'ebaamugamba yabikola oba teyabifaako.

6,Okukkiriza nti katonda y'agera buli kintu ,muno munsi ne muggulu, tewali kintu kibeerawo okujjako nga katonda yakigeradda, era nga kya wandiikibwa dda kulubaawo olukuumibwa bamalayika muggulu, era nabuli muntu nga ali mulubuto lwa maama we nga lwa myeezi 4 katonda amusindikira malayika n'ewandiika ebintu 4 ,era n'emufuuwamu omwooyo,( ebyo byonna byayogerwa omubaka wa katonda .

## (B) OBUSILAAMU KYEKKI?

Obusilaamu kigambo kya luwalabu, ekitegeeza okugonda , nokweewaayo,(nga bwoolaba omuntu nga abadde akugoba n'owanika emikono waggulu n'eweewaayo jaali nga ogonze).

Kyokka munsomesa yobusilaamu ekigambo obusilaamu kitegeeza : okweewaayo, nokugonda ku lw'akatonda nga okola ebyo katonda by'alagira, nokulekayo ebyo katonda by'agaana. ( mubimu katonda byeyalagira ekisinga obukulu enyo kwekumusinza yekka yekka nga tomugasseeko kintu kirala,bye bayita mubusilaamu(Tawuhiidi) ekitegeeza okwaawula katonda,nga eyo yensonga lwaaki katonda yatutonda , era natutumira ababaka, nabawa n'ebitabo bajje bagambe abantu ensonga yokusinza katonda omu yekka , n'obutamugattako kintu kirala, era mumateeka amalala katonda geyalagira mulimu okusaala esswala 5 buli lunaku,okusiiba omweezi gwa Ramadhan buli mwaaka, okuwa zakah (okutukuza emmaali) , okugenda e makkah okukola hijja, okugondera abazadde abatuzaala( oba basilaamu oba sibasilaamu tulina obbagondera ebbanga lyebamala nga tebatugambye byakujeemera katonda nga ekyookulabirako okusamira, okuloga, nebirala ebintu ebibi katonda bya takkiriza, kubanga "tewali kugondera kitonde nga ate ojeemera eyakutonda".

Nabw'ekityo katonda atugaana ebintu ebyenjawulo nga bibi tetukkirizibwa bikola, ekyookulabirako; okusinza ebintu ebirala ,kyebayita okugatta ku katonda ebintu ebirala(shiriki) ebintu ebyokusamira,ebyoo

bulogo,ebyeemizimu,eby'amasabo, lubaale,okusinza enjuba,okusinza amalaalo, okusinza ente, okusinza amayinja, okusinza yesu, okusinza maria maama wa yesu, okusinza ebintu ebyenjawulo, nga era katonda bwaatugaana okubba, okutta,okugeya, olugambo, obutaagaliza, ensaalwa, obwambega nga owaayiriza basilaamu banno ebintu ebitali bituufu,okulya embizzi, okulya embwa, okunywa omwenge, okutunda ebintu ebitaweze bipimo,okwetunda, okubba bakaabasajja , okw'efumbiza nga teri akugabye w'amusajja, okujjamu embuto nebintu ebirala binji katonda by'atugaana.

NB mubusilaamu ekintu ekisinga okubeera ekikulu enyo yemuntu okusinza katonda omu(1) obutamugattako kintu kirala, katonda yekka yasaanira okusinzibwa ,kubanga yeyakutonda ,yekka yewaamanyi,talina kimufaanana , tazaala era teyazaalibwa , talina baaluganda ,ky'ayagala kibeere kibeera, takoowa, teyeebaka, tasumagira,awulira buli doboozi,nenimi ezenjawulo ,amanyi buli kintu , talina mubeezi, yagamba musa ne mugandawe haruuna(okusaasira nemirembe bibabeereko ) nti mugende ewa 'falawo' temutya nze ndi wamu namwe mpulira era ndaba , katonda ayogera ,era yayogera nga ne omubakawe musa kulusozi Sinai, nebirala binji ebikwaata ku katonda asaanira okusinzibwa omutonzi wabuli kintu.

OBUSILAAMU BULINA AMAKULU GAMIRUNDI EBIRI.

1,Obusilaamu mumakulu amagazi kitegeeza eddiini y'ababaka ba katonda bonna bonna jebajja nayo , nga nayo kwekugamba abantu okusinza katonda yekka nga tebamugattako kintu kirala , nokweewala ebintu ebisinzibwa nga tebisaanidde kusinzibwa.(eddiini y'ababaka ba katonda bonna)

2,Obusilaamu mumakulu amafunda kitegeeza ; ebintu byonna omubaka wa katonda(muhammadi okusaasira n'emirembe bimubeereko) byeyajja nabyo, n'asaba abantu bamukkirize, era nga omubaka yakoowoola nga abantu ; okusinza katonda omu, nokusaala,nokusiiba,nokuwa zakah, nokkola hijja okusinziira kunsomesa jazzenayo ,nga baleka okkola nga bwebaakola nga edda nga omubaka tannatumibwa,( eddiini y'omubaka wa katonda muhammadi jeyajja nayo , ey'okukakasa nti alina okusinzibwa ali omu yekka mukama katonda (ALLAH), Era nti ne muhammadi mubaka w'akatonda , nokusaala esswala ettaano (5) buli lunaku , n'okutoola zakah (abagagga nga eddizibwa mubaavu) , n'okusiiba omwezi gwa ramadhan buli mwaaka, n'okukola hijja(eri oyo alina omusobozi mubuwangaazi bwo omulundi gumu(1).

Ngaa kati omuntu yenna bwaaba asilamuse kiba kitegeeza ; y'ewaddeyo okugondera katonda we nga akola ebyo katonda byayagala , era nga alekayo ebintu ebibi katonda by'atayagala, ekyo kyebayita okusilamuka,(okujeemulukukira amateeka ga katonda ).

Awonno wewava ensonga egamba nti obusilaamu bwaazimbibwa kumpaji ttaano(5) .

1, okkakasa nti tewali katonda alina kusinzibwa okujjako (ALLAH), era n'okakasa nti omubaka muhammadi (okusaasira n'emirembe bimubeereko) muddu wa katonda era mubakawe,(gweyatuma eri abantu bonna,era nti yeyasembayo mubabaka ba katonda teri nabbi wakujja oluvanyuma lwe).ekyonno kyekigambo ekiringiza omuntu mubusilaamu , era yempaji enkulu enyo nga tosobola kugenda kumpaji ndala yonna nga eno tonnajitereeza.

2,Okusaala esswala ttaano(5) buli lunaku.

3,Okutoola zakah mummaali yo( bwooba oli mugagga , abaavu bo kino bebakifunamu kubanga katonda yagamba babawe ).

4, okusiiba omweezi gwa ramadhan.

5,Okugenda e makkah n'okola hijja nga omubaka wa katonda bweyajiyigiriza.

920008669
0558845030
www.jeddawa.sa
JedDawaSA
مسجلة في المركز الوطني لتنمية القطاع غير الربحي برقم ( ٣١٩٧ )
SA6780000223608010010008
SA0510000013149477000102